لا إله إلا الله

الله
رسول
محمد

الهجرة

الإعلام بوجوب الهجرة إلى دار الإسلام

AL-HIJRAH

Okukowoola eri Obw'etteeka bw'Okusenguka eri Ensi y'Obusiraamu

Abū 'Abdur-Rahmān al-Muhājir
'Abdallāh ibn Ādam Faqeer (Rahimahullāh)

As'habul Kahfi Media

الهجرة

الإعلام بوجوب الهجرة إلى دار الإسلام

AL-HIJRAH

Okukowoola eri Obw'etteeka bw'Okusenguka eri Ensi y'Obusiraamu

Abū 'Abdur-Rahmān al-Muhājir
'Abdallāh ibn Ādam Faqeer (Rahimahullāh)

As'habul Kahfi Media

EBIRI MU KITABO

ENNYANJULA 5

HIJRAH KYE KI? 8

Amakulu g'ekigambo Al-Hijrah (Okusenguka) 8

Amakulu g'ekigambo Dār (Ekitundu) 8

EMITEEKO N'EBIKA BYA DIYĀR (EBITUNDU/ENSI – COUNTRY/STATE) 9

Dār al-Islām 9

Dār al-Kufr 10

Dār al-Murakkabah 10

Dār al-Harb 10

Dār al-' Ahd 11

Dār al-Baghi 11

EKIGENDERERWA KY'OKUSENGUKA 12

EBYAFAAYO BYA HIJRAH 12

HIJRAH Y'ABABAKA NE BANNABI 12

OKUSENGUKA KWA BA SWAHĀBAH E HABASHAH 14

OBWENNYINI BW'OKWOLESA OBUSIRAAMU (IDH'HĀRU DDIINI) 16

OBW'ETTEEKA BWA HIJRAH 19

OBUJULIZI OKUVA MU QUR'ĀN NE SUNNAH 19

Obujulizi okuva mu Al-Qur'ān al-Karīm 19
Obujulizi okuva mu Sunnah (Ahādith) 22

FATĀWA ZA BA 'ULAMĀ 25

Ibn Qudāmah al-Maqdisī (Rahimahullāh) 25
Ibn Taymiyyah (Rahimahullāh) 25
Al-Bayhaqī (Rahimahullāh) 25
Al-Halimī (Rahimahullāh) 26
Muhammad ibn ' Abdul-Wahhāb (Rahimahullāh) 27
Sulaimān ibn ' Abdallāh ibn Muhammad ibn ' Abdul-Wahhāb (Rahimahullāh) 27
' Abdur-Rahmān ibn Hasan Aal Ash-Shaykh (Rahimahullāh) 28
' Abdullāh ibn ' Abdur-Rahmān Abā Batīn (Rahimahullāh) 29
Ishāq ibn ' Abdur-Rahmān ibn Hasan (Rahimahullāh) 30
Hamad ibn ' Abdul-' Azīz (Rahimahullāh) 31
Sulaimān ibn Sahmān (Rahimahullāh) 31
Sa'd ibn Atīq (Rahimahullāh) 32
Muhammad ibn Ibrāhīm ibn Mahmōd (Rahimahullāh) 32
Muqbil ibn Hādī al-Wādi'ī (Rahimahullāh) 32

EMITEEKO GY'ABANTU KU IBĀDAH YA HIJRAH 33

OKULAAMIRA OMUSIRAAMU ATEEKATEEKA OKUKOLA HIJRAH 35

WEETEGEREZE ENSONGA ZINO 38

Ensonga ya Khilāfah (Islamic State) ne Khalīfah (Hāfidhahullāh) 38
Obukulu bw'Eniyya mu kukola Hijrah 40
Hijrah Esangulawo Amazambi Agaakulembera 40

Hijrah kibala kya Aqīdah ya Al-Walā'a wal-Barā'a 41
Eddaala lya ba Muhājirin 43
Hijrah y'enkola (Manhaj) y'abalongoofu mu buli mulembe 44
Okunnyonnyola Hadith: "Tewali Hijrah oluvannyuma lw'okuwangula" 45
Hijrah tegenda kukoma (yakusigalawo) 46
Okubeera ow'Amazima ku Hijrah 48
Ezzambi ly'okuddayo gye wali wasenguka 49

SINGA OLEMELERWA OKUKOLA HIJRAH 50

ABAKULEMBEZE BA JIHĀD KYE BAGAMBA 50

Amīr'ul Muslimīn, Khalīfah Abū Bakr al-Baghdādī (Hāfidhahullāh) 50
Shaykh Abū Muhammad al-Adnānī Ash-Shāmī (Rahimahullāh) 52
Shaykh Abu'l Hassan al-Muhājir (Hāfidhahullāh) 53

OKULAAMIRA MUJĀHID ALI MU DĀR AL-KUFR/HARB (IMPORTANT GUIDELINES) 54

Okwegendereza ennyo omusaayi n'emmaali y'Abasiraamu 54
Ennamula y'Abamaseeka ababi (Ulamā'i Suu'i) 56
Okuwoolera Eggwanga (Al-Qiswasu – Revenge) 58
Ennamula ku Ghanīmah ne Fai'u 59
Enkola y'Emirimu (Operational Guidelines and Advices) 64

AKABENJE AKALI MU KUWANGAALIRA MU BAKAAFIIRI 66

Mu Busiraamu temuliimu 'copyright law' - okkirizibwa okujjamu copy!

- لَا تَنْسَوْنَا مِنْ صَلَاحَ دُعَائكُمْ –

ENNYANJULA

Allāh (SWT) agamba bw'ati ku ibādah ya hijrah mu Kitabo Kye;

أَجَعَلْتُمْ سِقَايَةَ الْحَاجِّ وَعِمَارَةَ الْمَسْجِدِ الْحَرَامِ كَمَنْ آمَنَ بِاللَّهِ وَالْيَوْمِ الْآخِرِ وَجَاهَدَ فِي سَبِيلِ اللَّهِ لَا يَسْتَوُونَ عِنْدَ اللَّهِ وَاللَّهُ لَا يَهْدِي الْقَوْمَ الظَّالِمِينَ (19) الَّذِينَ آمَنُوا وَهَاجَرُوا وَجَاهَدُوا فِي سَبِيلِ اللَّهِ بِأَمْوَالِهِمْ وَأَنْفُسِهِمْ أَعْظَمُ دَرَجَةً عِنْدَ اللَّهِ وَأُولَئِكَ هُمُ الْفَائِزُونَ

"Mututte okunyweesa ba hujaaji n'okulabilira Omuzigiti Gw'emizizo nti kufaanana nga oyo eyakkiriza Allāh n'Olunaku Lw'enkomerero era n'alwana mu Kkubo lya Allāh? Tebenkanankana awali Allāh. Ne Allāh tayinza kulunngamya kibiina ky'abalyazaamaanyi. Abo abakkiriza ne basenguka era ne balwana mu Kkubo lya Allāh (nga bawaayo) emmaali yaabwe n'emyoyo gyabwe, be basinga amadaala aga waggulu awali Allāh. Era bo be b'okwesiima." (Tawbah: 19-20)

فَٱسْتَجَابَ لَهُمْ رَبُّهُمْ أَنِّى لاَ أُضِيعُ عَمَلَ عَامِلٍ مِّنْكُمْ مِّنْ ذَكَرٍ أَوْ أُنْثَىٰ بَعْضُكُم مِّنْ بَعْضٍ فَٱلَّذِينَ هَاجَرُواْ وَأُخْرِجُواْ مِنْ دِيَارِهِمْ وَأُوذُواْ فِى سَبِيلِى وَقَاتَلُواْ وَقُتِلُواْ لَأُكَفِّرَنَّ عَنْهُمْ سَيِّئَاتِهِمْ وَلَأُدْخِلَنَّهُمْ جَنَّاتٍ تَجْرِى مِنْ تَحْتِهَا ٱلأَنْهَارُ ثَوَاباً مِّنْ عِنْدِ ٱللَّهِ وَٱللَّهُ عِنْدَهُ حُسْنُ ٱلثَّوَابِ

"N'abaanukula Omulezi waabwe (nti): Mazima Nze siyonoona mulimu gwa mukozi yenna mu mummwe, k'abe musajja oba mukyala kubanga bonna bannaabwe nabannaabwe (bali wamu). N'abo abaasenguka ne baggyibwa mu mayumba gaabwe, ne banakuwazibwa (nga balwana) mu Kkubo Lyange, era ne balwana ne battibwa; (mazima) Nja kubabikkirako ddala ebibi byabwe era Nja kubayingiriza ddala Ejjana mwe gikulukutira wansi waayo emigga – nga mpeera ezivudde eri Allāh. Ne Allāh Gy'ali y'eri Empeera Ennungi" (Aal-Imrān: 195)

إِنَّ الَّذِينَ آمَنُوا وَهَاجَرُوا وَجَاهَدُوا بِأَمْوَالِهِمْ وَأَنْفُسِهِمْ فِي سَبِيلِ اللَّهِ وَالَّذِينَ آوَوْا وَنَصَرُوا أُولَئِكَ بَعْضُهُمْ أَوْلِيَاءُ بَعْضٍ

وَالَّذِينَ آمَنُوا وَلَمْ يُهَاجِرُوا مَا لَكُمْ مِنْ وَلَايَتِهِمْ مِنْ شَيْءٍ حَتَّى يُهَاجِرُوا وَإِنِ اسْتَنْصَرُوكُمْ فِي الدِّينِ فَعَلَيْكُمُ النَّصْرُ

إِلَّا عَلَى قَوْمٍ بَيْنَكُمْ وَبَيْنَهُمْ مِيثَاقٌ وَاللَّهُ بِمَا تَعْمَلُونَ بَصِيرٌ

“Mazima abo abakkiriza ne basenguka ne balwana (n’okuwaayo) emmaali yaabwe n’emyoyo gyabwe mu Kkubo lya Allāh, n’abo abaasenza (ba Muhājirin) ne babataasa; abo ba mikwano. N’abo abakkiriza naye ne batasenguka, temulina buvunaanyizibwa kubakuuma mu kintu kyonna okutuusa lwe banaasenguka; Wabula, bwe baba nga babasabye okubataasa mu bikwata ku ddiini kuli ku mmwe okubataasa okuggyakonga kikwata ku kibiina nga waliwo wakati wammwe nakyo endagaano. Ne Allāh Alaba ebyo bye mukola.” (Al-Anfāl: 72)

Hadith ya Ibn Abbās (Radhiallāhu Anhuma) mu “Jāmi` at-Tirmidhi”, eyagamba nti; “Nabbi (SAW) yali (ng’akyali e) Makkah, oluvannyuma okusenguka (hijrah) nekulaalikibwa, n’assibwako ayah eno;

وَقُلْ رَبِّ أَدْخِلْنِي مُدْخَلَ صِدْقٍ وَأَخْرِجْنِي مُخْرَجَ صِدْقٍ وَاجْعَلْ لِي مِنْ لَدُنْكَ سُلْطَانًا نَصِيرًا

“Era gamba (ng’osaba): Omulezi wange! Nyingiza mu buyingiriro obw’amazima onfulumye olufulumya olw’amazima. Era onteerewo okuva gy’Oli Amaanyi agantaasa.” (Al-Isrā’i: 80)

‘Abdullāh Ibn ‘Amru (Radhiallāhu Anhu) yagamba nti Rasullāh (SAW) yagamba: “Wajja kubeerangawo hijrah (endala) oluvannyuma lwa (buli) hijrah. Era abantu abasinga obulungi (mu maaso ga Allāh mu kiseera ekyo) ku nsi bajja kuba abo abeekuumira mu kitundu kya hijrah ya (Nabbi) Ibrāhīm…” (Ahmad, Abū Dāwūd ne Al-Hākim). Mu hadith endala yagamba nti: “Hijrah tegenda kukoma nga Jihād ekyaliwo.” (Ahmad). Mu hadith endala, n’agamba: “hijrah tegenda kukoma nga abakaafiiri bakyalwanyisibwa.” (An-Nasā’i).

Bino by’ebimu ku bigendererwa by’okukunngaanya obujulizi ku ibādah ya hijrah;

a) Okutuukiriza obuvunaanyizibwa bw’oyo ategedde eri oyo atannaba kutegeera (okumanya), nga nakyo Kiragiro kya Allāh (SWT) nga bwe yagamba;

وَإِذْ أَخَذَ اللَّهُ مِيثَاقَ الَّذِينَ أُوتُوا الْكِتَابَ لَتُبَيِّنُنَّهُ لِلنَّاسِ وَلَا تَكْتُمُونَهُ فَنَبَذُوهُ وَرَاءَ ظُهُورِهِمْ وَاشْتَرَوْا بِهِ ثَمَنًا قَلِيلًا فَبِئْسَ مَا يَشْتَرُونَ

“Jjukira mu kiseera Allāh bwe yatwala endagaano y’abo abaaweebwa Ekitabo, (n’abakalaatira nti); Mazima mugenda ku kinnyonnyolera ddala eri abantu era temukikwekanga; wabula ne bakisuula emabega w’emigongo gyabwe ne bagula nakyo eby’omuwendo omutono. Kibi nnyo ekyo kye baagula.” (Aal-Imrān: 187)

إِنَّ الَّذِينَ يَكْتُمُونَ مَا أَنْزَلْنَا مِنَ الْبَيِّنَاتِ وَالْهُدَى مِنْ بَعْدِ مَا بَيَّنَّاهُ لِلنَّاسِ فِي الْكِتَابِ أُولَئِكَ يَلْعَنُهُمُ اللَّهُ وَيَلْعَنُهُمُ اللَّاعِنُونَ (159) إِلَّا الَّذِينَ تَابُوا وَأَصْلَحُوا وَبَيَّنُوا فَأُولَئِكَ أَتُوبُ عَلَيْهِمْ وَأَنَا التَّوَّابُ الرَّحِيمُ

"Mazima abo bakweka ebyo bye twassa mu bunnyonnyofu ne mu bulunngamu oluvannyuma lw'okumala Ffe okubinnyonnyola abantu mu Kitabo (Qur'an); abo Allāh abakolimira n'abakolimi (bonna) ne babakolimira. Wabula abo abeenenya ne balongoosa ne bannyonnyola (ebyo bye baakweka), abo nzikiriza okwenenya okuvudde gye bali. Nange Nze Omuyitirivu w'okukkiriza okwenenya, Omusaasizi." (Al-Baqarah: 159-160)

b) Okujjukiza n'okulabula ba Muwahhidīn eri etteeka lino.

c) N'okujjawo ekizikiza banne ba sitaane (ba Ulamā'u Sū'i) abeeyita bamaseeka n'abawalimu kye bazze babuutikira ku mitima, amatu n'amaaso g'Abakkiriza.

d) N'ekigendererwa ekisinga (gye tuli) na buli yenna anaayamba mu kusasaanya obubaka buno kwe kweyunira Rahmah ya Allāh (SWT) Yekka n'Okusiima Kwe Yekka, nga Nabbi We Mūsā (AS) bwe yagamba, nti;

وَعَجِلْتُ إِلَيْكَ رَبِّ لِتَرْضَى

"Nyanguye okujja Gy'oli Omulezi wange Olyoke onsiime."
(Twaha: 84)

رَبَّنا تقبل منا، وزِدْنا ولا تنقصنا وأطينا وَلا تحْرمنا،
اللهُمَّ أحملنا ولا تستبْدلنا، اللهُمَّ تقبلنا شهداء وأنت راضي أنا
- Rabi'e al-Awwal 1440H –

HIJRAH KYE KI?

Amakulu g'ekigambo Al-Hijrah (Okusenguka)

Ekigambo Al-Hijrah kirina amakulu agawerako, mu go; "Okuleka" nga Fairōz Ābādī bwe yagamba mu "Al-Qāmōs Al-Muhīt Al-Jāmi' li mā Dhahaba min Kalām Al-'Arab Shamātīt" (637). Ar-Rāghib Al-Asfahānī yagamba mu kitabo kye "Mufradāt Al-Fādh Al-Qur'ān" (833), nti; - "Al-hajr ne al-hijrān ye muntu eyeeyawula (okweyawula) ku muntu omulala (nga akikola) n'omubiri, oba n'olulimi oba n'omutima." Ibn Al-Athīr yagamba mu kitabo kye "An-Nihāyah fi Gharīb Al-Hadīth" (5/244), nti; - "Hijrah kigambo ekiva mu al-hajr – ekikolwa eky'okweyawula (okwawula); ekyennyume ky'okwegatta. Okugeza – "yamweyawulako/yamusenguka- hajran ne hijrānan." Oluvannyuma ekigambo ekyo (hijrah) kyatandika okukozesebwa ennyo okutegeeza okusenguka okuva mu kitundu ekimu okudda mu kitundu ekirala. Era (awo) kigambibwa nti, - "hājara muhājartan" – Amakulu agasembayo ge gakwata ku mulamwa gwetuliko mu kitabo kino." Ibn Mandhūr mu kitabo kye "Lisān Al-Arab", ne Az-Zubaydī mu kitabo kye, "Tāj Al-'Arūs", baagamba nti ensibuko y'ekigambo hijrah ky'ekigambo "al-hajara" nga nakyo kye kyennyume kya 'okugatta/okuyunga' – era kitegeeza okukutulawo buli kakwate konna eri ekintu (oba omuntu), era n'ekigambo 'hijrah' kiri mu hadith egamba (amakulu gaayo): "Tekikkirizibwa kusenguka (Musiraamu) munno okusukka ennaku ssatu." (Ahmad 8960 ne Muslim 2562).

Amakulu gaakyo mu Shar'iah, mu bufunze, kwe kusenguka okuva mu Dār al-Kufr okudda mu Dār al-Islām, nga Ibn Al-Arabī (Rahimahullāh) bwe yagamba mu "Ahkām Al-Qur'ān". Mu "Al-Mughnī", Ibn Qudāmah al-Maqdisī (Rahimahullāh) yagamba nti; - "Kwe kusenguka okuva mu Dār al-Kufr okudda mu Dār al-Islām." Sa'd bin Atīq (Rahimahullāh) yagamba mu "Ad-Duraru As-Saniyyah"; - "Ye muntu okusenguka okuva mu bitundu by'obukaafiiri n'obujeemu okudda mu bitundu by'Obusiraamu n'obugonvu (eri Amateeka ga Allāh)."

Amakulu g'ekigambo Dār (Ekitundu)

Ekigambo 'Dār' kirina amakulu ga mirundi ebiri, agabuna (general meaning) n'ageyawulidde (specific meaning);

a) Amakulu ageyawulidde: kiri nga ba Fuqaha bwe bannyonnyola ekitundu ky'ettaka eriko ensalosalo ezetoolodde amayumba gaamwo, ebifo webalundira ebisolo ne webalimira emmere, naye nga (ekifo ekyo) ssi kisereke (roof). Nga mubeeramu ebimera omuva emmere n'eby'okulya ebibezaawo abatuuze baamwo n'emigaso emirala, nga bwekyalagibwa mu "Radd al-Mihtār 'alā ad-Durr al-Muktār" ekya Ibn 'Ābidīn (yafa 1252H) ekimanyikiddwa nnyo nga

- "Hashiyāt Ibn 'Ābidīn". Sh. Abdullāh Azzām (Rahimahullāh) yakisomesaako nnyo mu Jihād ya Afghanistān.

b) Amakulu agabuna ag'ekigambo 'Dār'; kitegeeza ekifo ekirimu ekibangirize n'ebizimbe. Era kisobola okutegeeza ettaka (land). Omuwandiisi w'ekitabo, "Mu'jam al-Lughah" yagamba;- 'Dār ky'ekifo (ekitundu – land) abantu mwebawangaalira nga kitwaliramu ebizimbe nabuli kimu ekibyetoolodde nga Allāh (SWT) bwe yagamba;-

فَجَاسُواْ خِلاَلَ ٱلدِّيَارِ وَكَانَ وَعْداً مَّفْعُولاً

"…ne beekulukuubiza mu buli miwaatwa gy'amayumba gammwe, n'ebeera endagaano ekoleddwa mu bujjuvu." (Al-Isrā'i: 5)

أَلَمْ تَرَ إِلَى ٱلَّذِينَ خَرَجُواْ مِن دِيَارِهِمْ

"Abaffe tolaba abo abaava mu nsi yaabwe…" (Al-Baqarah: 243)

Wano tukilaba nti, 'Dār' kisobola okuba nga kibuga (town/city), ekitundu (region), ekyalo (village) oba ensi (country/state). Ensonga enkulu eri nti muwangaaliramu abantu wamu n'abo abafuga ensonga zaamwo zonna, oba nga bafugisa amateeka ga Allāh (SWT) oba ag'abantu. Omufuzi w'ekitundu ekyo ye mukulembeze waakyo asembayo era asobola okuba nga ayitibwa Khalīfah, Amīr-ul Mu'minīn, Sultan, n'amannya amalala. Ago ge makulu g'ekigambo 'Ad-Dawlah', ba Fuqaha bwebaakikozesa nga bawandiika ku by'obufuzi by'Obusiraamu (Siyāsiyatu as-Shar'iyyah), amateeka agafuga obukulembeze (al-Ahkam as-Sulṯaniyyah) – ekya Abu'l Hasan al-Mawardi (yafa. 450H), n'awalala.

NB:

* 'Dār' – Ekitundu nga kiri kimu (ensi – country/state).
* 'Diyār' – Ebitundu nga bisukka mu kimu (amawanga – countries/states)

EMITEEKO N'EBIKA BYA DIYĀR (Ebitundu/Ensi – Country/State)

Dār al-Islām

Kye kitundu (ensi) nga mukyo Amateeka g'Obusiraamu geegafuga. Ash-Shāfi'ī (Rahimahullāh) yagamba; - "kye kitundu nga mukyo amateeka g'Obusiraamu meeyolefu (nga ge gali waggulu)."

Abamanyi abalala baagamba nti;- "Tewateekeddwa kubeeramu wadde akantu konna mu mateeka g'obukaafiiri, okugeza nga okugaana Nabbi yenna (mu Bannabbi), Ekitabo kyonna mu Bitabo bya Allāh (SWT), okujeeja ekintu kyonna mu Busiraamu oba obutakkiririza mu Allāh (atheism)." Abalala baagamba nti;- "kye kitundu nga mukyo Da'wah y'Obusiraamu nneyolefu ku batuuze baamwo, nga tewali kintu kyonna kigiziyiza nga n'obufuzi bw'Abasiraamu weebuli ku ba Ahlu Dhimmah (bwe baba nga mwebali) era nga ne banna Bid'ah (abazuuzi) tebali waggulu w'abantu ba Sunnah." Nga Madīnah al-Munnawarah bwe yali ku mulembe gwa Nabbi (SAW) naddala oluberyeberye lw'okuwangula Makkah. Mu bufunze Dār al-Islām kye kitundu oba ensi elamuza amateeka g'Obusiraamu.

Dār al-Kufr

Kye kitundu nga mukyo amateeka g'abakaafiiri ge gali waggulu, era nga tewali lutalo wakati wabwe n'Abasiraamu. Ennamula yakyo y'emu n'eya Dār al-Harb erina endagaano (wakati waayo) n'Abasiraamu. Nabw'ekityo, buli Dār al-Harb eba Dār al-Kufr. Eky'okulabirako kya Dār al-Kufr ye Habashah (awali Somalia, Ethiopia, Eritrea ne Djibouti) ku mulembe gwa Nabbi (SAW). Mu bufunze kye ekitundu ekilamuza amateeka g'obukaafiiri (man-made laws, constitutions, etc). Mu bufunze Dār al-Kufr ky'ekyennyume kya Dār al-Islām.

Dār al-Murakkabah

Ky'ekitundu ekirimu embeera z'ombiriri, amakulu – si kitundu kya Busiraamu (Dār al-Islām) nga mukyo Obusiraamu buteekebwa mu nkola (n'okulamula). Ate era nga si Dār al-Harb, nga abatuuze baamwo bakaafiiri. Wabula, guno muteeko gwa kusatu, nga mu kitundu ekyo Omusiraamu ayisibwa mu ngeri gy'alina okuyisibwaamu nga n'oyo ayeekera n'okujeemera Shar'iah y'Obusiraamu alwanyisibwa nga bw'alina okulwanyisibwa, nga Shaykh-ul Islām Ibn Taymiyyah (Rahimahullāh) bwe yannyonnyola mu "al-Fatāwa al-Kubra" (4/331) ne "Majmū'u al-Fatāwa" (28/142).

Dār al-Harb

Kye kitundu kyonna nga waliwo embeera y'olutalo (okulwanagana n'obulabe) wakati w'Abasiraamu n'abakaafiiri. Nabw'ekityo, Dār al-Harb ye Dār al-Kufr elwanyisa Obusiraamu. Eky'okulabirako ye Makkah (Dār al-Harb) ku mulembe gwa Nabbi (SAW) eyali e Madīnah (Dār al-Islām) oluberyeberye lwa Fat'h-ul Makkah (okuwangula Makkah).

NB: mu kiseera kino amawanga gonna gali Dār al-Harb olwa "International War on Terror", nga mu kyo abakaafiiri ekituufu bategeeza "International War on Islam (and Muslims)". Omukaafiiri George Bush (mu kiseera nga akyali Fir'awna wa USA) yalangilira nti: "You are either with us or

with the terrorists!" Era yeyataandikawo "International War on Terror" n'okuva olwo ensi yonna n'efuuka Dār al-Harb. Mu kulumba Dār al-Islam (naddala mu kibuga kya Mosul) gyebuvuddeko, amawanga 68 geetaba mu bulumbaganyi obwo! Ba Mujāhideen nga bali wansi wa Khalifah (Amir-ul Mu'mineen) Abū Bakr al-Baghdādī (HA) nebakola ebyafaayo olw'okutaasibwa kwa Allah (SWT) okwefanaanyirizaako embeera eyaliwo ku mulembe gwa Muhammad ibn 'Abdallah (SAW) e Badr (Ghazwat-ul Badr al-Kubra) ne Ghazwat-ul Al-Ahzab (Khandaq). Amatendo gonna ga Allah (SWT)!

Dār al-'Ahd

Kye kitundu kyonna ekikoze endagaano ey'emirembe (peace treaty) n'Abasiraamu ey'obutabalwanyisa n'obutayigganya eddiini yabwe mu ngeri yonna k'abe Omusiraamu omu yekka, omukyala oba omwana.

Dār al-Baghi

Kye kitundu ku Dār al-Islām nga mukyo mulimu ekibinja ky'Abasiraamu mwe kyeyawulidde (oba okwekutulako) olw'okwagala okuyeekera omukulembeze Omusiraamu atwala ekitundu (Dār al-Islām) ekyo kyonna awamu.

Ebyo byonna bisangibwa mu bitabo bya Fiqh, era abamu ku ba 'Ulama baagamba nti ebitundu (Diyār) bya bika bisatu byokka (Dār al-Islām, Dār al-Kufr ne Dār al-Harb). Ayagala okumanya ebisingawo genda osome ebitabo bya Fiqh ebimanyikiddwa obulungi nga teweekomese ku kimu kyokka kubanga ensonga eno ngazi.

N'olw'ekyo, Dār al-Islām kitegeeza buli kitundu kyonna nga mukyo obufuzi buli mu mikono gy'Abasiraamu era nga bwokka bwe bukola, ne bwe kiba nga abatuuze baamwo Basiraamu bokka oba nga mulimu n'abatali Basiraamu. Nga amateeka g'Obusiraamu ge gali waggulu nga n'abatuuze baamwo abawangaalira munda w'ensalosalo zaakyo mwe muli Abasiraamu ne ba Ahlu Dhimmah (abakafiiri abawangaalira mu Dār al-Islām nga tebasiramuse naye nga bawa omusolo oguyitibwa Jizyah ogwa balaalikibwaako mu Sūrat Tawbah: 29), nga n'obukulembeze bulamuza Amateeka g'Obusiraamu (Huduud, Zakat, Hisbah, Jihād, Da'wah, etc). Okwawukanako ne Dār al-Islām, Dār al-Kufr kye kitundu nga mukyo amateeka n'obufuzi bw'abakaafiiri (oba ba Murtaddīn) by'ebiri waggulu newankubadde nga abatuuze baamwo (bannansi – citizens) Basiraamu oba nga be basingamu obungi (majority population). Ennamula (hukm) y'ekitundu kino y'emu

n'ennamula ya Dār al-Harb erina wakati waayo endagaano n'Abasiraamu, kubanga buli Dār al-Harb ebeera Dār al-Kufr.

EKIGENDERERWA KY'OKUSENGUKA

a) Okudduka ebikemo (al-fitan), olw'okutya akabenje ka shirk (kufr). Kubanga omuntu gyakoma okuwangaalira mu kitundu (environment) gyakoma okumanyiira embeera zaamwo n'okuzifuula enkola ye n'enneeyisa ye. Mu butuufu ekiseera kituuka ng'omukkiriza afanaanira ddala omukaafiiri munda (enzikiriza, endaba, endowooza n'entegeera) ne kungulu (enneeyisa, ennyambala, ebiluubilirwa, ebikolwa, etc).

b) Okuyamba mu kaweefube n'enteekateeka z'okulwanyisa abalabe ba Allāh (SWT) n'Obusiraamu (al-Jihād fi Sabeelillah); nga ekyo Omusiraamu akikola n'okusenguka kwe okugenda okwegatta ku baganda be Abakkiriza, okubayamba, okugatta ennyiriri zaabwe (Surat As-Swaff: 4) awamu n'okufuna eddembe ly'okwolesa Obusiraamu bwe (Idhāru Ddiini) D n'okusasaanya Obusiraamu nga Allāh (SWT) bweyatulagira.

EBYAFAAYO BYA HIJRAH

Okusenguka (hijrah) kwayogerwako mu Qur'an wamu n'okugoberera Omubaka wa Allāh (SAW), Allāh (SWT) yagamba;

لَقَدْ تَابَ اللَّهُ عَلَى النَّبِيِّ وَالْمُهَاجِرِينَ وَالْأَنْصَارِ الَّذِينَ اتَّبَعُوهُ فِي سَاعَةِ الْعُسْرَةِ

"Mazima Allāh yakkiriza okwenenya ku Nabbi n'abaasenguka (Muhājirin) n'abataasa (Answār) – abo abaamugoberera mu kiseera ekizibu (Ghazwah ya Tabuk);" (Tawbah: 117)

Kikafu nti okusenguka kabonero ka Imān (obukkiriza) eya nnamaddala nga bw'ekiri mu Surat Al-Anfāl: 72.

HIJRAH Y'ABABAKA NE BANNABI

Era eno y'eyali enkola (Manhaj) y'Abakaka (Mursalin). Allāh (SWT) yatunyumiza bw'ati ku Khalil We, Ibrāhīm (AS) Jajja w'Abakkiriza, nti;

قَالُوا ابْنُوا لَهُ بُنْيَانًا فَأَلْقُوهُ فِي الْجَحِيمِ (97) فَأَرَادُوا بِهِ كَيْدًا فَجَعَلْنَاهُمُ الْأَسْفَلِينَ (98)

وَقَالَ إِنِّي ذَاهِبٌ إِلَى رَبِّي سَيَهْدِينِ

"Ne bagamba nti: Mumuzimbire omuzimbo (ttanulu) n'oluvannyuma mumusuule mu muliro. (Eky'okumwokya nga kigudde butaka) Ne baagala okumusalira olukwe (bamutte), netubafuula aba wansi. (Ibrāhīm) n'agamba nti: (ka nve mu nsi eno) Mazima nze nngenze eri Omulezi wange! Ajja kununngamya (andage ekifo ekirungi eky'emirembe)."
(As-Swāffāt: 97-99)

Era n'awalala n'amwogerako bw'ati;

فَآمَنَ لَهُ لُوطٌ وَقَالَ إِنِّي مُهَاجِرٌ إِلَى رَبِّي إِنَّهُ هُوَ الْعَزِيزُ الْحَكِيمُ

"Kale Lūt n'amukkiriza (n'akkiriza Ibrāhīm), (Ibrāhīm) n'agamba nti: Mazima nze nsenguse okudda eri Omulezi wange. Mazima Ye ye Ow'ekitiibwa Omukakasa."
(Al-Ankabūt: 26)

Mu Tafsir ya Ibn Kathir (Rahimahullāh), Qatādah yagamba nti, Nabbi Ibrāhīm (AS) yasenguka wamu ne Lut (AS) okuva e Kutha ku njegoyego z'ekibuga Kufa mu Iraq nebadda e Sham (Syria). Mu bantu be Lut yekka yeyamukkiriza ne Sarah (mukyala wa Ibrāhīm). Era yasenguka ne mukyala we Hajar ne mutabani wabwe Ismaīl (AS) eri ekiwonvu mu ddungu awataali kifo kyonna webaali basobola okulima okusobola okufuna eky'okulya, nga kati wayitibwa Makkah. Era hijrah yabwe eno yavaako ebibala ebikulu ennyo, mu byo; oluzzi lwa Zamzam n'okuzimba Ennyumba Enkadde (Al-Ka'aba).

Ne Nabbi Lut (AS) yakola hijrah, nga Allāh (SWT) bw'atunyumiza mu Qur'ān (Surat Al-A'rāf: 80-84 ne Surat As-Shu'arā'a: 160-175) bwe yasenguka wamu n'abantu be okuva mu kitundu kya Sodom awaali wabuutikiddwa obujeemu n'abajeemu oluberyeberye nga Allāh (SWT) tannaba kussa Ekiboneroze Kye ku bajeemu b'omukibuga ekyo.

Ne Nabbi Mūsā (AS) naye yakola hijrah okuva e Misri okudda e Madyana nga Allāh (SWT) bw'atunyumiza (Surat Al-Qasas: 15-22). Allāh (SWT) agamba;

فَخَرَجَ مِنْهَا خَائِفًا يَتَرَقَّبُ قَالَ رَبِّ نَجِّنِي مِنَ الْقَوْمِ الظَّالِمِينَ (21) وَلَمَّا تَوَجَّهَ تِلْقَاءَ مَدْيَنَ قَالَ عَسَى

رَبِّي أَنْ يَهْدِيَنِي سَوَاءَ السَّبِيلِ

"Kale (Mūsa) n'afuluma okuva mu kyo; nga atya nga yeekengera, bw'alabirira; n'agamba nti: Omulezi wange! Mponya (onzigye) mu kibiina ekiryazaamaanyi. Bwe yamala okwolekera ku ludd lwa e Madyana, n'agamba; oba olyawo Omulezi wange anannunngamya eri Ekkubo Eggolokafu." (Al-Qasas: 21-22)

Allāh (SWT) yateeka barakāt mpitirivu mu kusenguka kwa Mūsā (AS) kuno, nga; okudduka Firawna n'olukiiko lwe (olwaali lusazeewo okumutemula), okuwasa (nikah) muwala w'omulongoofu e Madyana (Nabbi Shu'ayb (AS). Era oluvannyuma nga wayise emyaka, Mūsā (AS) ne muganda we Hāruna (AS) baatumibwa baddeyo eri Firawna bamukowoole adde eri Allāh (SWT), naye bwe yagaana n'ayagala n'okubasaanyaawo nabo abaali babakkiriza, kwe kukola hijrah endala ne ba Bani Isrāel okusobola okutaasa eddiini yabwe; nga Allāh (SWT) bw'atunyumiza (Surat Ash-Shu'arā'a: 52-68). Allāh (SWT) agamba;

وَأَوْحَيْنَا إِلَى مُوسَى أَنْ أَسْرِ بِعِبَادِي إِنَّكُمْ مُتَّبَعُونَ

"Kale ne tutumira eri Mūsā, nga tumugamba: Twala abaddu Bange (ba Bani Isrāel) ekiro, (kubanga) mazima mmwe muli ba kuwonderwa (Firawna n'amagye ge)." (Ash-Shu'arā'a: 52)

Ne ba As'hābul Kahf baakola hijrah nga Allāh (SWT) bw'agamba mu ssuula eyatuumibwa olw'ekyafaayo kyabwe (Surat Al-Kahf: 9-27). Yagamba Allāh (SWT);

وَإِذِ اعْتَزَلْتُمُوهُمْ وَمَا يَعْبُدُونَ إِلَّا اللَّهَ فَأْوُوا إِلَى الْكَهْفِ يَنْشُرْ لَكُمْ رَبُّكُمْ مِنْ رَحْمَتِهِ وَيُهَيِّئْ لَكُمْ مِنْ أَمْرِكُمْ مِرفَقًا

"Bwe muba nga mubaawukanyeeko (okubasenguka) n'ebyo bye basinza ebitali Allāh, mugende (musenguke) mu Mpuku. Omulezi wammwe ajja kubanjululiza mu Kusaasira Kwe era abateekereteekere mu kigambo kyammwe (hijrah) okubalumirwa (n'obwangu)." (Al-Kahf: 16)

OKUSENGUKA KWA BA SWAHĀBAH E HABASHAH

N'abamu ku ba Swahabah baakola hijrah e Habashah, oluberyeberye lwa hijrah y'e Madīnah, olw'ensonga bbiri;-

a) Okutulugunyizibwa (torture and persecution) okuva ku mikono gy'abakaafiiri b'omu Makkah kw'ali kulaze wala nnyo.

b) Baali tebasobola kuteeka mu nkola ddiini yaabwe (Idhaaru ad-Diini – Okwolesa Eddiini).

NB: Obubenje obwo bw'ombiriri buteekeddwa okutuuka ku buli Musiraamu omutuufu awangaalira mu bakaafiiri mu buli mulembe!

Mw'abo abaasenguka (baali abasajja 12 n'abakyala 4) mwe mw'ali 'Uthmān bin 'Affān (Radhiallāhu Anhu) ne mukyala we Ruqyaiyyah bint Muhammad (muwala wa Nabbi (SAW). Ku babiri bano, Nabbi (SAW), yagamba nti; "Be bantu abasoose okusenguka mu Kkubo lya Allāh oluvannyuma lwa (Bannabbi) Ibrāhim ne Lut (AS)." Badduka okuva e Makkah mu kiro ekiddugavu ne boolekera ennyanja ya Red Sea ne balinnya amaato abiri agaali gagenda e Habashah. Oluberyeberye lwa hijrah yabwe eyo, Allāh (SWT) yassa Surat Az-Zumar nga mu yo yalaza eri okusenguka, n'agamba;

وَأَرْضُ اللَّهِ وَاسِعَةٌ إِنَّمَا يُوَفَّى الصَّابِرُونَ أَجْرَهُمْ بِغَيْرِ سَابٍ

"… n'ensi ya Allāh ngazi (okusengukiramu). Mazima abagumikiiriza batuukirizibwa okusasula empeera yaabwe awatali kubala." (Az-Zumar: 10)

Okusenguka kuno ye hijrah y'e Habashah eyasooka, omulundi ogwaddako baavayo ne beegatta ku Nabbi (SAW) ne banne oluvannyuma lw'okuwangula Khaibar (7H).

N'abalala baasenguka okuva e Yemen ku mulembe gwa Nabbi (SAW). Mu bo Abū Mūsā Al-Ash'ari (Radhiallāhu Anhu) n'abasajja 50 okuva mu bantu be. Baatambula oluvannyuma lw'okutuukibwako amawulire g'okusenguka kwa Nabbi (SAW). Abū Mūsā ne baganda be babiri (Abū Burdah ne Abū Ruhm) – nga ye muto ku bo, baalinnya eryato ne bagenda ewa Najjash e Habashah ne beegatta ku Ja'afar Ibn Abī Twālib (Radhiallāhu Anhu) ne banne. Eyo gye baava ne basenguka nga badda mu Dār al-Islām e Madīnah al-Munnawwarah. Waliwo n'ekyafaayo kya Asmā bint Umais (Radhiallāhu Anha) bwe yakyalira Maama w'Abakkiriza, Hafsah bint 'Umar Ibn Al-Khattāb (Radhiallāhu Anhu), n'asangayo Nabbi (SAW) – Nabbi (SAW) kwe kumugamba, nti; "Abange mmwe abantu b'eryato! Mulina okusenguka kwa mirundi ebiri." – Amakulu: okusooka okuva e Makkah (Dār al-Harb) okudda e Habashah (Dār al-Kufr), n'okw'okubiri okuvaayo okudda e Madīnah (Dār al-Islām).

Ne ba Swahābah abalala (ennamba esinga obungi) abaali tebasengukira e Habashah, baasenguka okuddusa n'okutaasa eddiini yaabwe (ne baleka edduniya) okuva e Makkah n'ebitundu ebirala okudda e Yathrib (eyatuumibwa Madīnah oluvannyuma lwa hijrah ya Nabbi (SAW). Nga

n'eyasookera ddala okusenguka mw'abo abaava e Makkah y'ali Abū Salamah (Radhiallāhu Anhu). Okusenguka kuno eri Dār al-Islām e Madīnah kwagendera ddala mumaaso okutuusa ng'ebitundu Abakkiriza bye baalinga baddukamu nga biwanguddwa Abasiraamu, olwo ne bifuuka eby'Obusiraamu.

OBWENNYINI BW'OKWOLESA OBUSIRAAMU (IDH'HĀRU DDIINI)

Abantu abasinga obungi balowooza nti ekitegeezebwa mu kwolesa Obusiraamu (okukola eddiini oba okubeera ku ddiini) ky'ekyo kasita Omusiraamu abeera nga asaala, asiiba, asoma Qur'ān, akuza ekirevu, akendeeza empale, ayambala ekkanzu oba Jilbāb ne Niqāb, agenda mu darasa, okwaziinira ku mizindaalo, akola enjiri, n'ebirala mu Dār al-Kufr ne Dār al-Harb, nga tewali muntu yenna amuziyiza oba okumukolako obulabe. Mbu, kasita abeera bw'atyo, olwo abeera akoze Obusiraamu oba nti olwo abwolesezza mu bujjuvu wamu n'okubuteeka mu nkola. Entegeera eyo nkyamu nnyo, era ekirwadde kya kansa ekibunye mu Basiraamu ekyetaagisa okusaanyizibwaawo olw'akabenje kaakyo eri Ummah, kubanga Allāh (SWT) yagamba;

قَدْ كَانَتْ لَكُمْ أُسْوَةٌ حَسَنَةٌ فِيٓ إِبْرَاهِيمَ وَٱلَّذِينَ مَعَهُۥٓ إِذْ قَالُواْ لِقَوْمِهِمْ إِنَّا بُرَءَآؤُاْ مِّنكُمْ وَمِمَّا تَعْبُدُونَ مِن دُونِ ٱللَّهِ كَفَرْنَا بِكُمْ وَبَدَا بَيْنَنَا وَبَيْنَكُمُ ٱلْعَدَاوَةُ وَٱلْبَغْضَآءُ أَبَداً حَتَّىٰ تُؤْمِنُواْ بِٱللَّهِ وَحْدَهُ

"Mazima mwalina eky'okugoberera ekirungi ddala mu (Nabbi) Ibrāhīm n'abo abaali awamu naye, mu kiseera bwe baagamba ekibiina kyabwe nti: Mazima ffe tubaawukanyeeko (era twesambye) ne kw'ebyo bye musinza ebitali Allāh: Tubawakanyizza era bumaze okweyoleka wakati waffe nammwe obulabe n'obukyayi obw'olubeerera okutuusa lwe munakkiriza Allāh (ali Omu Oyo) Yekka." (Al-Mumtahinah: 4)

NB: mu Ayah eno mwe muli obwennyini bw'okwolesa Obusiraamu, abamu kye bayita - okukola eddiini.

Allāh (SWT) yatulagira okubeera nga twekwata n'okuwangaalira ku ky'okulabirako kya Ibrāhīm (AS), nayo ye Millat Ibrāhīm. Era yalagira Nabbi We, Muhammad (SAW) akole ky'ekimu;

ثُمَّ أَوْحَيْنَآ إِلَيْكَ أَنِ ٱتَّبِعْ مِلَّةَ إِبْرَاهِيمَ حَنِيفاً وَمَا كَانَ مِنَ ٱلْمُشْرِكِينَ

"Bwe twamala ne tukutumira (nga tukilagira) nti: Goberera eddiini (Millah) ya Ibrāhīm (ey'ali) Hanīf, era teyali mu ba mushrikīn." (An-Nahl: 123)

NB: ku nkomerero ya Al-Mumtahinah: 4, Allāh (SWT) yagamba; "**okujjako ekigambo kya Ibrāhīm kye yagamba kitaawe: Ddala nja kukwegayirira (Allāh) akusonyiwe.**" – amakulu mulina eky'okulabirako (okugoberera) mu Ibrāhīm (AS) n'abo abaali naye (ku nkola y'emu mu bannabi n'abagoberezi baabwe) – mu kwesamba n'okwekutula okuva ku bakaafiiri n'okwolesa obulabwe n'obukyayi gye bali– okujjako Ibrāhīm (AS) bwe yagamba kitaawe "**nja kukwegayirira (Allāh) akusonyiwe.**", temulina kyakulabirako n'okugoberera mu kyo.

Allāh (SWT) atunnyonnyodde enkola entuufu - olwo kye bayita okukola eddiini oba okwolesa Obusiraamu si kirala kyonna wabula ye Millah ya Ibrāhīm (AS).

Millat Ibrāhīm yannyonnyolwa Shaykh Muhammad Ibn 'Abdil-Wahhāb (Rahimahullāh) mu "Ad-Duraru As-Saniyyah" (2/22): "Omusingi n'empagi/ekikolo ky'Eddiini y'Obusiraamu eri mu nsonga bbiri –

a) Okusookera ddala: Okulagira okusinza (okwolekeza buli kika kya 'Ibādah) eri Allāh (SWT) Yekka awatali kumugattako kintu kirala kyonna, okukikubiriza, okukola omukwano (Walā'aa) ku lwakyo, n'okukola Takfīr (okukaafuwaza) kw'oyo yenna atakitadde mu nkola.
b) Eky'okubiri: Okuviira ddala ku shirk (okugatta abalala/ebirala) mu 'Ibādah eri Allāh (SWT) n'okulabula (abantu) ku kyo (okumuvaako), okubeera omukambwe ennyo ku shirk, okubeera n'obulabe (Adāwah) ku lwa kyo, n'okukola Takfīr (okukaafuwaza) kw'oyo yenna amukola."

Ba Imām ba Da'wah y'e Najd ayah eyo baaginnyonnyola bwebati - "Fatāwā Al-A'immah An-Najdiyyah" (1/428): "Waliwo ensonga ttaano ezetaagisa (obukwakulizo) mu kujjawo/okusazaamu okusinza kwonna ekyo kyonna ekitali Allāh (SWT) mu Āyah eno, nga nabyo;

a) Mazima ffe tubaawukanyeeko (Barā'a),
b) ne kw'ebyo bye musinza ebitali Allāh (SWT),
c) Tubawakanyizza (Takfīr),
d) era bumaze okweyoleka obulabe (Adāwah),
e) n'obukyayi (Bughdhwa) wakati waffe nammwe obw'olubeerera."

Mu "ad-Durar as-Saniyyah", batabani ba Shaykh Muhammad bin 'Abdul-Wahhāb (Rahimahullāh) baagamba: "… n'okukola (okwolesa) eddiini yo mu lwatu kwe kulangilira eri abakaafiiri nti bo bakaafiiri, n'okulaga obumogo/obubuze/obulimba bw'eddiini yabwe, n'okubavumirira n'okubeesamba/okubeekutulako n'okwekuuma ennyo obutabeera kumpi nabo n'obutamaala gye bali n'okubewala. Okusaala obusaazi esswala si kwe kwolesa eddiini

y'Omusiraamu. N'ekigambo ky'abo abagamba (nti), "Tubeewala nga tuli mu sswala, era tetulya nnyama gyebasaze" kirungi, naye, kyo kulwakyo tekimala omuntu okubeera nga ayolesezza eddiini ye. Wabula, ekinnyonnyoddwa waggulu kya tteeka."

Shaykh Hamad bin 'Atīq (Rahimahullāh) yagamba: "Nekitegeezebwa (mu kwolesa eddiini/Obusiraamu) kwe kwolesa (mu engeri enneyolefu) obulabe n'obukyayi obw'olubeerera eri oyo yenna atayawula Allāh (SWT) mu kumusinza. Buli yenna akituukiriza mu kumanya (al-ilm) n'okussa mu nkola, era n'akyoleesa bulungi nnyo okutuusa nga abantu b'omukitundu mw'awangaalira nga bakimutegeddeko (eky'okulangilira Barā'a ne Adāwah ku batakkiriza), olwo hijrah eba temukakatako okuva mu buli kitundu kyonna ky'alimu. Naye oyo atali bw'atyo, wabula nga alowooza nti kasita bamuleka n'asaala n'asiiba n'okukola hijjah, nti olwo takakatibwako kusenguka – obwo bubeera bubuyabuya (jahali) bw'eddiini n'okulagajjalira ekikolo n'obwennyini bw'Obubaka bw'Ababaka (AS). Kubanga ebitundu (Diyār), bw'ekiba nti obufuzi bwamwo buli mu mikono gy'abantu ababuze, abasinza entaana, abanywi b'omwenge, abakubi ba zzaala, abantu bwe batyo tewaliiwo kye basiima okujjako ebikolwa bya shirk n'okulamula kwa ba twawāghit, era mu kifo kyonna nga embeera yaayo eri bw'etyo, (olwo) tewali kubusabuusa kwonna eri oyo alina akatono ennyo k'amanyi ku Kitabo (Qur'ān) ne Sunnah nti abatuuze baamwo bali ku nkola ndala nnyo okwawukana kw'eyo Omubaka wa Allāh (SAW) gye yaliko." – "Ad-Duraru As-Saniyyah" (5/413-418).

Mu "Ad-Duraru As-Saniyyah" (8/419), Sh. Hamad bin 'Atīq yagamba bw'ati;

[إِذاً إِظْهَارُ الدِّينِ يَكُون بِإِعْلَانِ الْكُفْر بِهَذَه الأَنْظِمَة، وَالتَصْرِيْح لَهُمْ بِالعَدَاوَة، وَأَنْ يَعْرِفُ هَؤُلَاء الْكَفَرَة وَالْمُرْتَدُّونَ كَفَرْنَا بِهِمْ، وَعَدَاوَتنَا لَهُمْ، وَأَنْ لَوْ ظَفَرْنَا بِهِمْ مَا تَرَكْنَاهِمْ عَلَى ظَهَرهَا]

NB: Ba 'Ulamā baakyegattako nti oyo yenna nga barā'a (okwesamba) ye ku ba mushrikīn oba ba murtaddīn n'eddiini yabwe temanyikiddwa gye bali (abalabe be), nga ne bakkiriza banne tebakimumanyiiko, olwo kiba kifuuse kya tteeka ku ye okubeera nga agyolesa mu lwatu mu ngeri gye bajja okutegeera obubaka bwe obwo, mu ngeri enneyolefu era etegeerekeka obulungi ennyo gye bali; ekitali ekyo – hijrah ebeera efuuse yatteeka ku ye okusinzira ku busobozi bwe, era akola ezzambi olw'obutakola hijrah.

OBW'ETTEEKA BWA HIJRAH

Obujulizi okuva mu Qur'ān, Sunnah (Ahādith) entuufu ne ba 'Ulamā;-

Buno wammanga bwe bujulizi bwa obw'etteeka bw'okusenguka okuva mu Dār al-Kufr okudda mu Dār al-Islām, okuva mu Qur'ān ne Sunnah (Ahādith) ne Ijmā' ya ba 'Ulamā n'ebigambo by'abamanyi ab'enjawulo nga bannyonnyola obujulizi obwo, mu bo; Al-Imām An-Nawawī (Rahimahullāh), Al-Hāfidh Ibn Hajar al-Asqalānī(Rahimahullāh), Shaykh-ul Islām Ibn Taymiyyah (Rahimahullāh), Al-Hāfidh Ibn Kathīr (Rahimahullāh), Al-Imām As-Sindī (Rahimahullāh), Al-Imām-ul Mufassireen Ibn Jarīr At-Twabarī (Rahimahullāh), Ash-Shawkanī (Rahimahullāh), Al-Imām Ibnul-Qayyim al-Jawzī (Rahimahullāh), n'abalala.

OBUJULIZI OKUVA MU QUR'ĀN NE SUNNAH

Obujulizi okuva mu Al-Qur'ān al-Karīm

Obw'etteeka bwa Ibādah ya hijrah ku buli Musiraamu yenna awangaalira mu bakaafiiri nga tasobola kwolesa Busiraamu bwe (nakyo tumaze okukinnyonnyola obwennyini bwakyo waggulu) ng'ate alina obusobozi (obukola hijrah), kimanye muganda wange ne mwannyinaze nti, Omulezi wo (Azza wa Jalla) yakulabula dda, n'agamba;

إِنَّ الَّذِينَ تَوَفَّاهُمُ الْمَلَائِكَةُ ظَالِمِي أَنْفُسِهِمْ قَالُوا فِيمَ كُنْتُمْ قَالُوا كُنَّا مُسْتَضْعَفِينَ فِي الْأَرْضِ قَالُوا أَلَمْ تَكُنْ أَرْضُ اللَّهِ وَاسِعَةً فَتُهَاجِرُوا فِيهَا فَأُولَئِكَ مَأْوَاهُمْ جَهَنَّمُ وَسَاءَتْ مَصِيرًا

"Mazima abo bamalaika be batta nga balyazaamanyizza emyoyo gyabwe, bamalaika babagamba: Mw'alinga ku ki? Ne baddamu nti: Tw'ali tunafuyizibbwa mu nsi. (Bamalaika) ne babaddamu nti; Teyali ensi ya Allāh nga ngazi mmwe musobola okusengukira? N'abo obuddo bwabwe Muliro, era bwe buddo obusinga okuba obubi." (An-Nisā'a: 97)

Imām al-Hāfidh Ibn Kathīr al-Muffassir (Rahimahullāh) yagamba bw'ati mu Tafsir ye (1/745) ku ayah eno: "Nabw'ekityo ayah ey'ekitiibwa eno yakka nga okutwaliza awamu ekwata ku buli yenna (Omusiraamu) awangaalira mu ba mushrikīn (abakaafiiri) ng'ate awamu n'ekyo asobola okukola hijrah nga n'eddiini tasobola kugyolesa. Abeera yelyazamaanyizza n'okubeera nga akola ezzambi eryegattibwaako abamanyi nga ne ayah bw'ekiraga obulungi. Allāh agamba; - "**Mazima abo bamalaika be batta nga balyazaamanyizza emyoyo gyabwe**" – olw'okuleka hijrah; "**bamalaika**

babagamba: Mw'alinga ku ki?" – lwaki mwawangaalirayo nemutasenguka? "**Ne baddamu nti: Tw'ali tunafuyizibbwa mu nsi.**" – tw'ali tetusobola kuva mu kibuga (e Makkah) n'okusenguka."

Imām As-Shawkānī (Rahimahullāh) yagamba mu "Fat'h Al-Qadīr" (2/366) bwe yali annyonnyola ayah ya 24 mu Surat Tawbah, egamba nti;

قُلْ إِنْ كَانَ آبَاؤُكُمْ وَأَبْنَاؤُكُمْ وَإِخْوَانُكُمْ وَأَزْوَاجُكُمْ وَعَشِيرَتُكُمْ وَأَمْوَالٌ اقْتَرَفْتُمُوهَا وَتِجَارَةٌ تَخْشَوْنَ كَسَادَهَا وَمَسَاكِنُ تَرْضَوْنَهَا أَحَبَّ إِلَيْكُمْ مِنَ اللَّهِ وَرَسُولِهِ وَجِهَادٍ فِي سَبِيلِهِ فَتَرَبَّصُوا حَتَّى يَأْتِيَ اللَّهُ بِأَمْرِهِ وَاللَّهُ لَا يَهْدِي الْقَوْمَ الْفَاسِقِينَ

"Gamba (ggwe Muhammad) nti: Bwe babeera nga bakitammwe, ne batabani bammwe, ne baganda bammwe ne bakyala bammwe, n'aboluganda lwammwe, n'emmaali gye mukoze ne mufuna, n'eby'okusuubula bye mutya okudiba n'amayumba ge mweyagaliramu – (bwe biba nga ebyo) bye bisinga okwagalwa gye muli okusinga Allāh n'Omubaka We n'okulwana mu Kkubo Lye. Kale mulindirire okutuusa Allāh lw'anaaleeta Ekiragiro Kye! Ne Allāh talunngamya kibiina ky'abonoonyi." (Tawbah: 24)

Imām As-Shawkānī (Rahimahullāh) yagamba bw'ati: "Okulabula kuno kugenda eri abakkiriza bonna n'Ekiragiro kino kya kusigalawo paka ku Lunaku Lw'enkomerero ekiraga (obw'etteeka bwa) okukutulawo enkolagana yonna wakati w'abakkiriza n'abakaafiiri. Era abamu ku bamanyi baagamba nti (ayah eno) yassibwa okubeera nga ekubiriza (abakkiriza) okukola hijrah n'okuleka ensi (ebitundu) z'abakaafiiri. Nabw'ekityo, okukowoola kuno kw'ali kudda eri abakkiriza abaali mu Makkah (Dār al-Harb mu kiseera ekyo) n'ebitundu ebirala. Baaziyizibwa okukola omukago (omukwano – Muwālāt) wakati waabwe ne bakitaabwe, ne baganda babwe okubeera nga babagondera mu kuwangaalira mu bitundu by'obukaafiiri…" Era As-Shawkānī (Rahimahullāh) n'agenda mu maaso, nti: "…era Allāh (SWT) n'alamula kw'abo abakola omukwano (Muwālāt) n'abo abalonzewo obukaafiiri ku bukkiriza mu bakitaabwe ne baganda baabwe, nti baba bakoze ekikolwa eky'obwonoonefu (ekibi). N'olw'ekyo, kitegeeza nti ekikolwa ky'oyo akola omukwano (Walā'aa) n'omuntu ow'engeri eyo, (ekikolwa ekyo) ky'ekimu ku mazambi amanene era agasinga okuba amabi…"

N'ekigaana Abasiraamu abasinga obungi okukola hijrah ziri ensonga bbiri (okutwaliza awamu);-

i. Omulugube gw'edduniya n'okwagala obulamu obwangu obugonvu, n'eby'okwewunda mu bulamu bw'edduniya awatali ddiini yadde okujjako ebinyumo n'eby'amasanyu.
ii. Obutamanya tteeka lino n'obukulu bwaalyo. Era abamu (ku Basiraamu) basonyiyibwa olw'okuba tebaliwulirangako okuva ku bamaseeka baabwe abatiikirivu mu nsi z'abakaafiiri (mu

mizigiti, leediyo, ttiivi ne internet) abaatunda Eddiini. Okwo gattako n'obubuze obusasaanyizibwa ebibinja ebibuze naddala ba Jamāt at-Tabligh (abazikiri).

Imām Ibn Kathīr (Rahimahullāh) yagamba mu Tafsir ye (3/569) ku kigambo kya Allāh (SWT);

يَا عِبَادِيَ الَّذِينَ آمَنُوا إِنَّ أَرْضِي وَاسِعَةٌ فَإِيَّايَ فَاعْبُدُونِ

"Abange abaddu Bange abo abakkiriza! Mazima ensi Yange ngazi (muli baddembe okusenguka mu yo). Kale munsinze Nze Nzekka." (Al-'Ankabūt: 56)

- Yannyonnyola bw'ati: "Kino Kiragiro kya Allāh (SWT) eri abaddu Be abakkiriza bakole hijrah okuva mu nsi (ebitundu) mwebatasobola kwoleseza Obusiraamu badde mu kitundu mu nsi ya Allāh engazi webasobola okubwolesa nga balangilira Obumu bwa Allāh (Tawhid) n'okumusinza nga bwe yabalagira ('Ubūdiyyah). N'olw'ensonga eyo n'abagamba nti: "**Abange abaddu Bange abo abakkiriza! Mazima ensi Yange ngazi (muli baddembe okusenguka mu yo). Kale munsinze Nze Nzekka.**" Olw'ekiragiro ekyo okussibwa, embeera bweyazibuwalira Abasiraamu abanafu ab'omu Makkah okuwangaalirayo, baakola hijrah eri ensi ya Habashah basobole okufunayo emirembe mu ddiini yabwe. Era baasangayo ekitundu ekisingako obulungi (okusinzizaamu Allāh (SWT) nga bw'ayagala). Baasangayo kabaka As'hamah An-Najjāshī (Rahimahullāh). Yabawa obubudamu n'abayamba n'okutaasa kwe ne bafuna obukuumi mu nsi ye (obwakabaka bwe). Oluvannyuma (nga wayiseewo ekiseera) Omubaka wa Allāh (SAW) ne ba Swahābah abasigadde ne bakola hijrah e Yathrib (erinnya lya Madīnah An-Nabawiyyah Al-Mutwahharah oluberyeberye).

Era Imām Ibn Kathir (Rahimahullāh) yagamba, nga annyonnyola Ekigambo kya Allāh (SWT);

وَمَنْ يُهَاجِرْ فِي سَبِيلِ اللَّهِ يَجِدْ فِي الْأَرْضِ مُرَاغَمًا كَثِيرًا وَسَعَةً

"N'omuntu asenguka ku Lwa Allāh asanga mu nsi obubudamu bungi n'okwegazaanya..." (An-Nisā'a: 100)

- (Ayah eno) ekubiriza okukola hijrah n'okukubiriza Omusiraamu okweyawula okuva mu bakaafiiri, era na buli wonna omukkiriza w'alaga ajja kusangayo ekifo (aw'okuwangaalira) ekirala n'obubudamu abeere nga yekuuma (eddiini n'obulamu bwe).

Obujulizi obulala obukakasa obw'etteeka bw'okukola hijrah kye Kiragiro kya Allāh (SWT) eri Nabbi We (SAW) abeere nga akkiriza abakyala abakkiriza abaalinga basenguse gy'ali (e Madīnah) nga ekyo (eky'okubakkiriza mu Madīnah n'okubasigaza) akikulembeza ku kutuukiriza endagaano

eyali yakolebwa wakati we ne ba mushrikīn e Hudaibiyyah; nga mu yo mwalimu akawaayiro akagamba, nti, singa wabaawo omu yenna mu ba mushrikīn (e Makkah) agenda eri Omubaka wa Allāh (SAW) e Madīnah nga asiramuse, ateekeddwa okuddizibwaayo e Makkah mu bamushrikīn. Allāh (SWT) ku nsonga eyo, agamba;

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آَمَنُوا إِذَا جَاءَكُمُ الْمُؤْمِنَاتُ مُهَاجِرَاتٍ فَامْتَحِنُوهُنَّ اللَّهُ أَعْلَمُ بِإِيمَانِهِنَّ فَإِنْ عَلِمْتُمُوهُنَّ مُؤْمِنَاتٍ فَلَا تَرْجِعُوهُنَّ إِلَى الْكُفَّارِ

"Abange mmwe abakkiriza! Bwe babanga babajjidde abakyala abakkiriza nga basenguse, mubagezesenga mubekkaanye, Allāh y'amanyi obukkiriza bwabwe. Bwe mubanga mubategedde (mukakasizza) nga bakkiriza, temubazzangayo (ewaabwe e makkah) eri abakaafiri." (Al-Mumtahinah: 10)

Imam Ibn-ul Qayyim Al-Jawziyyah (Rahimahullāh) yagamba mu "Zād Al-Ma'ād" (3/300): "Nabbi (SAW) bwe yaddayo e Madīnah (oluvanyuma lw'okukola endagaano ya Hudaibiyyah), abakyala abakkiriza ne bajja wey'ali (nga bakoze hijrah) mu bo mwe mw'ali ne Umm Khulthum bint 'Uqbah ibn Abī Mu'ait. Abantu b'omukyala oyo bajja ew'Omubaka wa Allāh (SAW) nga bamusaba amubaddize (baddeyo naye e Makkah mu Dār al-Harb) nga beesigulidde akawaayiro akaali mu ndagaano y'e Hudaibiyyah (eyali yakakolebwa). Nabbi (SAW) teyamubaddiza kubanga ekyo Allāh (SWT) y'ali amaze okukiziyiza…"

Obujulizi okuva mu Sunnah (Ahādith)

Mu "Musnad" ya Imām Ahmad (5/77), yalaga hadith nga waaliwo ekiwandiiko (ebbaluwa) okuva ewa Muhammad (SAW) eri ba Bani Zuhair ibn Uqaish, ettabi ku ba 'Ukl. Ebbaluwa eno y'ali egamba bw'eti:

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

Okuva ku Muhammad, Omubaka wa Allāh
Eri ba Bani Zuhair ibn Uqaish, ettabi ly'aba 'Ukl

Mazima singa bakkiriza (bajulira) nti tewali kisinzibwa mu butuufu okujjako Allāh (nti) ne Muhammad ye Mubaka wa Allāh nebeeyawula okuva mu ba mushrikīn, ne bawa n'ekimu ky'okutaano ky'eminyago n'omutemwa gwa Nabbi (SAW) wamu ne Safiyahu (ekyo Nabbi ky'atwala okuva mu minyago nga teginnaba kugabibwa), olwo (bwe banaabikola) bajja kufuna n'emirembe n'obukuumi bwa Allāh awamu n'obukuumi bw'Omubaka We.

NB: Hadith eyo waggulu eri Swahīh nga Al-Albānī (Rahimahullāh) bwe yagamba mu "As-Swahīhah" (2857) ne Sheikh al-Imām Muqbil al-Wādi'ee (Rahimahullāh) bwe yalaga mu kitabo kye "As-Swahīh Al-Musnad Mimmaa Laisa Fi As-Swahīhayn" (2/408).

Okuva ku Abū Fātimah (Radhiallāhu Anhu) nti: "Owange gwe Omubaka wa Allāh, mbuliraayo ekikolwa (Ibādah) kye nyinza okukola n'okwenywerezaako." Omubaka wa Allāh (SAW) n'amuddamu, nti: "Wenyweereze ku hijrah, kubanga mazima tewali kiri nga yo." [An-Nasā'ī 4178, 7/145]

NB: Hadith eno eri Hasan, bw'atyo bwe yagamba Sheikh Muqbil (Rahimahullāh) mu kitundu kya hijrah mu kitabo kye "Al-Jāmi As-Swahīhah Mimmaa Laisa Fi As-Swahīhayn" (5/157).

Mu "Sunan Abī Dāwūd" (2645) ne At-Tirmidhī (1604) okuva ku Qais, okuva ku Jarīr Ibn 'Abdillāh (Radhiallāhu Anhu) eyagamba, nti: "Omubaka wa Allāh (SAW) yasindika abalwanyi okulumba ekitundu ky'aba Khath'am. Abamu ku bo (abantu abaali balumbiddwa) ne baagala okwetaasa (bawone okuttibwa) nga bavunnama naye nebattibwa mu bwangu. Amawulire ago bwegatuuka eri Nabbi (SAW) n'alagira nti ekitundu ky'engasi (Diya) kibaweebwe n'agamba, nti "Nnesambye buli Musiraamu yenna awangaalira mu bakaafiiri!" Baswahābah kwe kumubuuza: "Lwaki, Owange gwe Omubaka wa Allāh?" n'abaddamu, nti: "Tebalina kulaba byoto byabwe" – amakulu; obutawangaalira wamu n'abakaafiiri okutuuka nga omukaafiiri bw'aba akumye ekyoto kye omukkiriza asobola okukiraba, nga n'omukkiriza singa akuma ekikye, omukaafiiri akilaba olw'okuwangaalira awamu mu bo oba mu bitundu byabwe."

NB: Hadith eno ekozesebwa mu kulamula wadde nga Abū Dāwūd (Rahimahullāh) yalaga nti erina obuzibu bwa Irsaal. At-Tirmidhī (Rahimahullāh) yagamba nti Mursal ya hadith eno esingako, nga n'ekyo akijja ku Al-Bukhāri (Rahimahullāh). Al-Albānī yagamba nti eri Swahīh mu "Irwa al-Ghalīl" (#1207, 5/29-33).

